# Owa Cubs awera kusigala ku ntikko


Nkoola

ARAFAT Nkoola, y'omu ku bawuwuttanyi abaabadde ne Uganda Cubs, ttiimu y'eggwanga ey'abali wansi w'emyaka 17 mu World Cup e Qatar. Yawambye emitima gy'abawagizi olwa ggoolo gye yateebye Burkina Faso ku luzannya lwa ttiimu 16. Nkoola yaweereddwa omupiira ng'ali ku wingi eya kkono, n'agukuba bulungi mu kasonda ka ggoolo aka ddyo, ekyalese ggoolokipa wa Burkina Faso ng'atangadde.

Wadde nga Uganda yawanguddwa mu mpaka zino nga bayita mu peneti, Nkoola ne banne okuli James Bogere, Abubakari Walusimbi, Edrisa Waibi, Hamza Sengooba, ne Isma Magala baakomyewo nga abazira, nga batenderezebwa olw'ekitone eky'enjawulo kye baalaze.

MOSES KIGONGO akuleetedde eby'enjawulo ebikwata ku Nkoola;

### OBUZAALE BWE

Nkoola yazaalibwa nga December 26, 2008 mu disitulikiti y'e Kaliro mu Busoga. Olugendo lwe olw'omupiira lwatandikira mu kyalo gy'ava, nga tanneegatta ku Rays of Grace Academy mu 2017, essomero erikulemberwa Robert Kiwanuka, ssentebe w'ekibiina kya Uganda Youth Football (UYF).

Ku Rays of Grace yaliyo ne Ibra Ssebagala, Simon Wanyama, Ratib Gulanyago, Disan Mweebe, ne Leonard Kasanya. Ekitone kyamutunda, St. Mary's Kitende n'emukansa agizannyire mu sizoni ya 2024/2025.

### OBUWANGUZI BW'ATUUSEEKO

Nkoola alina ebikopo bingi n'engule z'awangudde mu ssomero ne ku ttiimu y'eggwanga. Oluvannyuma lw'okwetaba mu liigi y'eggwanga ey'abali wansi w'emyaka 17, Nkoola yayambye Vipers Junior okusitukira mu kikopo ng'ateebye ggoolo 2 ez'enkizo ku fayinolo gye baawangulirako BUL FC e Lugogo. Kino kyali kikopo kya Vipers JT ekyasooka okuva mu sizoni ya 2017/18.

Nga tannawangulira Vipers, yasooka kuwangulira Rays of Grace empaka za FUFA Odilo National Championship nga bakuba City Primary School mu fayinolo e Kampala. Yayambako Uganda Cubs okuwangula empaka za CECAFA U-17 AFCON qualifiers ezaali mu Hamz Stadium e Nakivubo, nga yateeba ggoolo emu nga bakuba Tanzania (2-1).

Nkoola era yawangulako FEASSA Games mu Arusha, Tanzania, ng'ali ne Rays of Grace Junior School. Bino yabyongereza ku bikopo by'alina okuli; eby'akademi ezitegekebwa UYFA wamu n'empaka z'amasomero ga pulayimale ezitegekebwa Obwakabaka bwa Buganda.

Mu mpaka za CECAFA ezaali zisunsula abaneetaba mu AFCON y'abali wansi w'emyaka 17 mu 2022, Nkoola yawangudde engule y'omuteebi asinze ku ggoolo 4.

### EMPAKA Z'AZZE ATEEBERAMU

Nkoola azze ateeba mu mpaka ez'enjawulo era ajukirwa mu Odilo National Championship gye yateebera ggoolo ye eyasooka mu mujoozi gwa Rays of Grace Junior School. Baawangula (2-1). Ajjukirwa n'olwa ggoolo gye yateebera Kitende mu ddakiika ezisembayo nga batuuka ne Light High S.S ng'eno yabayamba okukiika mu mpaka za USSSA.

### AGAMBA OKUTEEBA KAAFUUKA KAZANNYO KE

Bwe yabadde ayogerako eri bannamawulire ku ggoolo gye yakuba, yategeezezza nti, "Ggoolo gye nakubye mbaddenga nzikuba mu kutendekebwa, era ne mu mpaka ze mbaddenga nneetabamu, nzize nkuba ggoolo ennungi ezisinga n'eyo."